ESSIGA LY'OMUKUNDI MU KIKA KY'OMUTIMA

Abakundi be bazzukulu ba Namugera Kakeeto e Bbaale mu Buddu. Beddira Mutima, akabbiro k'Abakundi Mawowoloo. Mu masiga agali mu kika ky'Omutima, essiga lyabwe lya kkumi (10).

OMUTAKA: Omutaka Jjajja waabwe ye Kaweesi Kenyondo Mu Kyalugo. Omubala gwaabwe guvuga nti 'MPOLA; MPOLA; GYAWO EKKUNTA OLABE OMUTIMA GW'ENTE' obutaka bwaabwe bwali Masaka Kyalugo. KYALUGO; mu Masaka mwe mwali Omusambwa Kyalugo ne mu Kyalugo mwe muli a Jjinja Kaweesi.

Omutaka Kaweesi nga tanagenda mu byaalo bye eby'obutaka yaberanga ne Mugandawe Sseremba ku nnyanja Nabugabo. Kaweesi ng'abeera ku mwaalo Kaisa e Bujjajju ye Sserembe ku mwaalo Bwanika e Bbaale.

Kabaka Kintu okujja mu Buganda nga bo Bataka ba mu Buddu bannansangwa abaana ba Kakeeto; Namugera yabawa ebyalo byabwe ne bafuuka ab'amasiga olwo n'aleka Namugera okubeera ow'ensikirano y'ekika kyonna. Era bano be baana be nga bwe baali ne byalo byabwe eby'obutaka okusooka.

1. Sseremba e Bbaake (lye Ssiga elivaamu ensikirano y'obukulu bw'ekika)
2. Kaweesi e Kyalugo Masaka (ly'essiga ly'ebakundi)
3. Lugajju e Bulonge (Ssiga)
4. Ddungu e Kafuluma "
5. Naluma e Namuna "
6. Kanyana e Minyina "
7. Lunamunyu e Namwanzi "
8. Kajunjula e Kyabbogo "
9. Lukaaga e Lusiba "
10. Abasambya e Bbaale "
11. Naganga e Nakiyaga "

Omutaka Kaweesi yava mu nnyanja kwe yalina n'elyaato lye Namukundi n'agenda mu byalo bye Masaka ne Kyalugo eby'obutaka. Naye n'azaalilamu abaana be. Nabo babagabira ebyalo n'obukulu bw'emituba, n'abatafuna mituba n'abawa ebyalo byabwe

kuba obuddu bwali bwereere, nga mulimu abantu abaalisanga amagana g'ente. Nga bagenda batambula butambuzi nga ssi batuuze ba mu Buddu. Abalala bavanga Nkole.

Abaana b'omutaka Kaweesi omukundi be bano n'ebyaalo eby'obutaka: -

1. Kagwisa e Mabowa (avengamu ensikirano esikira obukulu bwe ssiga).
2. Lumutenga e Kasaka (Omutuba 1)
3. Mwezangabo e Nsambya (" 2)
4. Ngabotekyala e Nyondo (" 3)
5. Malyante e Bukongo (" 4)
6. Muyimansi e Kyagunda (" 5)
7. Nyondo e Kamukongo (" 6)

Emituba giri mukaaga (6) mu ssiga ly'Abakundi Kagwiisa ye mwana avaamu obukulu bwe ssiga e Mabowa.

Ate n'azaala n'abaana bano abatafuna bukulu bwa Mituba kyokka ne baweebwa ebyaalo byaabwe eby'obutaka: -

8. Kudugavu e Kyaggunda
9. Kiguba e Kasanje
10. Kagwiisa e Busubya
11. Lukaaga e Butale (yali tanafuukassiga)
12. Kaweesi e Walugodo
13. Muyiggwa e Nyondo (ekitundu)
14. Nsale e Bukongo

<u>Omukolo egwakolebwanga omutaka Kaweesi ku bafuzi abaalyanga oba abaafuganga obuddu.</u>

Omufuzi bwe bamalanga okumuwa obwa Pokino nga bazze okumuyingiza mu mbuga ye bayitanga omutaka Kaweesi omukundi n'asimbira Pokino omutuba mu mbuga. Omutuba nga guyitibwa Mpira nga gutimbibwaako olubugo n'emisasi ne gulyooka guyitibwa Sezibugo bwe gwaggwanga okusimba ng'engoma zivuga nga Pokino alyooka

akwaasibwa okufuga obuddu. Kaweesi ng'anoonya omuwala nga bamutuuma erinya Mugombwa ng'abeera Kaddulubaale wa Pokino. Egyo gye mikolo egyaakolebwanga abakundi ku mbuga ya Pokino ng'abataka bo mu buddu.

Amannya ga ba Pokino abaafuga obuddu be tusimbira emituba ne betutasimbira olw'eddiini, okuva ku Pokino Mukasa nga bwenzigya okunnyonnyola ng'eddiini ezze mu Buganda mu 1875:-

1. Nalubongoya eyamanyibwa nga Kabaka w'eBuddu eyasokera ddala okufuga Buddu.
2. Kikama
3. Mukkudde – Bwakamba (bano baafuga ku mirembe gya Kabaka Kyabaggu)
4. Kyebambe (ono yeyajja ne linnya lya Pokino okuva e Bunyolo)
5. Luzige (ku lusozi Musajja Mukulu)
6. Wunyi (ye yamanyibwanga nga Nakirembeka e Bukulula)
7. Lumutenga Mutima (yafuga ku mirembe gya Kabaka Jjunju nga yeddira
8. Luwalira Ndiga) (kumirembe gya Kabaka Semakokiro nga yeddira
9. Zibukumbwa (naye wa ku Mikokiro wa Ffumbe)
10. Kabwa (Bano baafuga mu 1970 ku Kamaanya)
11. Kabbuzi (Yeddira Nkima yafuga ku "
12. Kidza " Nsenene " ku "
13. Semukulungwa " Ndiga " " Suuna II
14. Kigwe " Mmamba (1810) " "
15. Mabaale " Ffumbe " " "
16. Omuzinga " Musu " " "
17. Namujjulirwa " Ndiga " " "

18.	Mulere (2852/84)	“	Njovu	“	“	Mukabya
19.	Kasaato	“	Mmamba	“	“	“
20.	Mukasa	“	Musu	“	“	“
21.	Tebukozza	“	Lugave	“	“	“
22.	Kamanyiro					“
23.	Muguluma	“	Njovu ‘1884)	“	Kiwewa	
24.	Sebwato (1884/92)	“	Mmamba	“	“	Mwanga II
25.	Alex Sebbowa	“	Ffumbe	“	“	“

Abo be baafuga obuddu. N’abakundi nabo baafuga ko, obwa Kagolo bwaali bwaami bwa mu Buddu.

Emikolo egyakolebwanga ku mbuga y’omutaka Kaweesi omukundi.

Mu Kyalugo mwalimu ejjinja nga baliyita Kaweesi; ejjinja lino nga lyekuba lyokka ku buli nkomerero ya mwezi. Edda munsi muno Buganda omwezi bwegwaabonekanga ng’abantu tebakola. Okuddirira ng’ebeera mbaga eri buli muntu lwe lunaku olwayitibwanga ‘Olwobwerende’ ne mu Kyalugo ejjinja bwelyavuganga ng’abaana, abataka abakulu, abakundi, nga bakungaana okujja okwebaza okumalako omwezi n’okukulisinganya.

Buli mwezi bawongeranga Katonda waabwe embuzi eyalutanga [Bitanga] nga bagiwonga ng’engoma zivuga nga buli alina ekimuluma akisaba ng’omutaka naye atudde mu bantube. Ejjinja lino nakati mu Kyalugo mwe liri wabula eminyolo gyo gyatwaalibwa e Bujajju- e Bukako .. Mu Masaka nga mwemuli omusambwa omukulu ogw’abakundi n’omuwala atanamanya musajja. Mu ssabo muno bakumangamu ekyooto buli kawungezi omuliro negwaka engo nejja neyota omuwala nagitundula amaggwa agabanga gagifumise. Essabo lino lyo lyalinga ku lusozi Masaka (nga mu Masaka mwemuli Kyalugo, engo eyo nga bagiyita Kyalugo. Nakati ekyaalo ekyo kiyitibwa Kyalugo.

Emirimo Abakundi gyebakolanga

1. Abakundi balinga bantu bazira nnyo okusinziira ku mannya agatuumibwa abakundi nga Ngabotekyala, Mwezangabo n’amalala.

2. Omulimo omulala abakundi balinga baweesi amannya gano nago galaga nti balinga baweesi, Kaweesi, Kennyondo, Nnyondo, nago galaga bulazi nti abakundi balinga baweesi balungi era ebintu byabwe byatusibwanga mu Lubiri lwa Kabaka

we Buganda, ngamaze okuwangula obuddu, byasiimibwa nnyo. Bayiga n'okukomaga embugo.

3. Jjaja wa bakundi ngali ku nnyanja ne Mugandawe Sseremba balinanga e Mpingu z'amato ku nnyanja yaabwe Nabugabo nga Kaweesi alinako elyaato eddene elyayitibwanga Namukundi. Ekyo kiraga nti balinga balunnyanja era aba Sseremba babayita Bayanja. N'eryato lyaabwe Bwanika

Emirimu gya Bakundi: - Lumutenga mutabani wa Kaweesi omukundi bw'amala okufuna ekyaalo kye Kasaka, Ekyalo kino abantu baako mu mirembe egyeeda balinga bakomazi abakomaganga embugo ezagendanga mu Lubiri lwa Kabaka ezasiimibwanga ennyo abambejja n'abakyaala ba Kabaka. Abakundi bayiga okukoma. Jjunju bwamala okuwangula obuddu muzzukulu wa Lumute ng'omwana wa Kangalabwa Mbidde ne Ssonko bebaatwalanga embugo mu Lubiri nga bazisaabaliza mu lyaato lya Jjajaabwe Namukundi nebazisaabaliza mu mwalo Kaisa nebagoba e Munyonyo oba e Bendegere e Nkumba mu mirembe gya Kabaka Ssemakookiro yalinga Ssonko. Ate ku mirembe e Misuuna yalinga Mbidde (ne Muteesa I), olwo n'atwalanga ebintu mu Lubiri.

Mbidde mu Lubiri lwa Kabaka Muteesa I: - Kabaka ono bweyalaba ng'abannabuddu bano basula mu Lubiri ngabatute ebyaavanga e Buddu, kwe kukyusaako nawa Mbidde e Kibanja ejjinja Kaloli abaleeta ebintu ng'embugo gyebabanga batuukira n'oluvannyuma batwaale ebintu mu Lubiri. Mu Lubiri ne musigalamu Mbidde yekka. Bweyafa Kabaka n'agamba nti musajja wange oyo tazzibweeyo Buddu ku butaka wabula beetikke omulambogwe bagutwaale mu kibanjakye awo e Jjinja Kaloli baguziike. Nabasajja abaagwetikka baafuna omugugu gw'embugo gumu. So awo e Jjinja si butaka bwamukundi Mbidde wabula kibanja kya kibuga. Kati abantu kyebayita obutaka bw'abalangira abava kubakundi abakopi.

Okukakasa emirimu abakundi geebakolanga mu Buddu njakugenda nyinyonnyola emirimu gino nga bwenyinyonnyora omulimu gw'obukomazi.

Obuzira No. 1 Okukakasa obuzira bwabakundi, Kabaka Jjunju bw'aja okulwaanyisa obuddu yasanga omunyoro Wunyi y'afuga obuddu. Abataka ab'omutima bwebaawulira nti akabi kagguse mu nsi, Sseremba ne mugandawe Kaweesi nebaaddira ku Nnyanja. Kaweesi n'asaabala mu lyaatolye Namukundi n'addukira ku kizinga lambu ne Sseremba n'asaabala mu lyatolye Bwanika n'addukira ku kizinga Nsazi. Bwebaali bali eyo nebabagamba nti omunyolo alwaanyisa Kabaka we Buganda are aze nemusajjawe ye Luzige owe Ndiga.l Yemuzzukulu waffe. Tugende tulwane tubayambe tugobe Wunyi. Kaweesi n'asabala amaatoge n'atumira ne Sseremba nebajja okulwaana. Kaweesi n'agoba ku mwalo Kaisa e Bujajju awali omuti Lwegami, kwebayegeka enkasi nebeggama awo nebateekateeka okulumba omunyolo Wunyi. Ye Sseremba nabawukanako n'agoba kumwalo gwe Bwanika e Bbaale naye nateekateeka okulwana. Sseremba bweyalaba ng'obudde tebulaba bulungi n'afubutuka okulumba Wunyi, Mutabani wa Sseremba n'amuleka okukuuma amaato. Kakeeto n'asigala mu mwaalo.

Era wano wewaava erinnya erya Namugera kubanga Sseremba yagera bugezi obudde obutuufu okulumbiramu Wunyi. Olutalo nebalugoba n'omunyoro n'adduka n'afiira e Kadubuddu. Weyafiira newamera n'omuti Kadubuddu. Era omunyolo mutabani wa Wunyi eyajja abuuza kitaawe weyafiira ffe twamulagawo.

Jjunju bw'amala okuwangula obuddu n'abuuza musajjawe Luzige. Luzige na gamba Kabaka nti ssebo tubuwe Jjajange Lututenga mutabani wa Kaweesi omukundi. Ne Kabaka n'akkiriza ne babuwa Lumutenga Kabaka n'asindika musajja we Luwalira okumuyingiza mu bwa Pokino. Lumutenga n'atagenda Masaka n'abeera Kasaka. Okwo kwekwaava enjogera gyebagamba abakundi nti "Emputte" baziwa a Masaka nezagala e Kasaka. Oluvannyuma Lumutenga n'afa mutabaniwe Kangalabwa n'amusikira. Lumutenga affudde nagenda awali Kabaka n'awoza nti Kangalabwa y'asise naye era ssebo afuge obwa Pokino?. Kitaawe yagaana e Masaka n'abeera Kasaka era kati nze ndi mu mbuga. Kabaka Ssemakookiro n'alagira Luwalira afuge obwa Pokino. Kangalabwa amumyuuke. Luwalira nalya obwa Pokino. Kangalabwa n'abeera e Bulawula, Kabaka n'amuwa ne Ntamiivu e yavuganga nti "NEGENDERA WA Kangalabwa y'amanyi abasajja. Kangalabwa yafa mutabani we Mbidde n'amusikira n'abeera e Buseke.

Ebyobuzira mbinyonyodde wamu n'obwaami obwaweebwa abakundi okuva ewa Kabaka Jjunju kuba naye yajjukira obuzira bwetwaakozesa mu kuwangula obuddu ng'abugobwamu omunyolo Wunyi.

Omulimu gw'obuweesi: - Abakundi baalinga baweesi okuva edda baweesanga amafumu gebaalwanyisanga n'ebirala. Jjajja wa bakundi bweyazaala abaanabe Kagwisa n'amuwa obutaka e Mabowa okuweesa basomokanga mugga Kanwa Omugga guno gwaali gujjuza nnyo era nga muzibu okusomoka. Abakundi kyebakola kwe kuguwongerako omuwala. Bwebajjanga nga beesiba empina wamu n'omuwala nga bagamba nti ffe bazzukulu ba Kaweesi e Kenyondo akengulu bitenga akanwa akabukende akekyajuja akangabirwa tukkirize tuyitewo ng'omuwala y'asoka okusomoka omugga ng'amazzi engulu geesiba nga gakendeere olwo nga abaweesi bonna bazzukulu b'omutaka Kaweesi nga basomoka amazzi nga gekendedde, nga bagenda kuweesa. Era ekyuuma kye baawesanga kirowoozeka okuba nti webakisimanga wewadda akayanja akali e Kasanje Bw'otuuuka kumutala Birinzi olaba amatale gebaaweesanga mu ebyuna nereero omugga Kanwa n'emiti Kabikende Kekyajuja wegiri kunsomoka webasomokeranga.

Omulimu gw'obulunyanja: - Jjaja w'abakundi yabeeranga ku nnyanja era ye ne mugandawe baalina amaato amangi kwekuli ne lyaato ly'abakundi erinnya lyalyo nga liyitiibwa Namukundi nga n'erya Sseremba liyitiibwa Bwanika abantu bano bamanyiddwa nti baali balunnyanja era kwebajja erinnya ery'aBayanja.

Okufa kw'omutaka Jjaja wa b'akundi Kaweesi kwaali bwekuti:- bw'aba amaze okuyingiza Pokino Kikama mu mbugaye amaze n'okumusimbira omutuba Ssezibugo, Pokino Kikama n'agenda ew'omutaka Kaweesi amulambuze e Masaka bwebali baalambula mu Kyalugo Kaweesi olwetoloola "ejjinja Kaweesi" Kaweesi nabulirawo. Ebigambo

nebisobera Pokino. Kikama neyewuunya nnyo okubula kw'omuntu omukulu naye kwekudda eka n'asiba ebintu bye n'addukira e Busagala oluvannyuma n'afira eyo olwo obuddu nebusigalira awo. Waguma omwana wa Kaweesi n'amusikira.

Ensikirano yomutaka Kaweesi ejja esikira obukulu bwe'Essiga eyajjukirwako y'eno.

Kaweesi	Yasikirwa	Waguma
Waguma	"	Ssekatono
Ssetakono	"	Walusi
Walusi	"	Kinyonyi
Kinyonyi	"	Kagwisa I
Kagwisa I	"	Kagwiesa II
Kagwisa II	"	Kazongola
Kazongola	"	Mujanjali

Ensikirano emanyiddwa obulungi eva ku Musika Kagwiisa II ngaali mu kyaalo kya kitaawe Kagwiisa e Mabowa ekyamuwebwa okuba omutakabwe oluvanyuma ne kifuulibwa okuba obutaka bw'abakundi, ng'obutaka bw'eMasaka ne Kyalugo bumaze okugwaamu ensaasagge gye ngenda okunyonnyolako wano.

Ensasagge eyagwa ku bakundi (ku butaka) yali bweti: -

Okusooka Jjajjaabwe yabulira mu Kyalugo. Ebyo byali bikyaali awo nga wayise akabanga, abakulu baali bakunganye ng'omwezi gubonese baleese n'embuzi yabwe Lutanga bakyagisibye awo ensolo neva eri negirya nga tebanagiwonga ekitalabikanga. Abakulu ne bewuunya nnyo buli ababeera ng'ababiri nga bakwaata lyabwe. Bwe batuuka ewabwe nga bakira kufa olwo butakaa nga busingalira awo nga n'abalala batandika kweyita Balangira Emirembe bwe gyalongooka nga n'abakulu bafudde tewakyaali gwe babuuza nga bwebaali. Kwekulaba kati nga bw'ogamba nti ndi Mukundi nga bagamba nti gwe oli Mulangira sso ng'abakundi sibalangira. Ate ng'abalala bajja kusenga baami mu Buganda. Era kino kye kyagaana ne Lumutenga okugenda mu mbuga ya Pokino e Masaka ng'atidde ebyaali e Masaka ku butaka bwaabwe. Ne Kagwisa bw'amala okusikira obukulu obwa Kaweesi naye ewuwe teyavaayo ng'abeera Mabowa ng'alyooka afugira eyo essiga ly'abakundi nakakati obutaka bw'abakundi buli Mabowa.

Jjunju bw'amala okuwangula obuddu abakundi nga bamaze okumanya kabaka we Buganda ne batandika okubasalira ebintu n'abawala eby'okusinga mu lubiri lwa Kabaka

nga batuuka ku mukulu w'eSsiga naye n'atumira ab'emituba abaana be ne bakunganya ebyetagibwa. N'alonda abo okubitwaala ewa Kabaka ng'empisa yabafuzi bweyalinga.

ABASIIGE: - Abakundi ffe twasinganga mu nju ya Nanzigu ku misuuna ne tusiiga ne wa Kabejja abasiige ne tubasitula ne tubatwaala mu nju ya Kasumba ne babagya ewa Kasumba ne babatwaala ewa Kabaka era nga newa Namasole tusiigayo.

Lukaaga Omusajji: - Kanyinyonnyole ku mwana wa Kaweesi eyava ku kitaawe ne yefuula omulangira (bagamba nti eyawukana ku mugendo efuuka kaasa). Lukaaga e Butale bw'awulira nga Jjunju aze okulwanyisa Wunyi eyali afuga, n'agaana okuddukira ku nnyanja ne banne. Ye yaddukira Lusiba n'ebeera eyo n'afuukirayo essiga. Kwe kumuyita Lukaaga e Lusiba n'alyoka ayitibwa omusajji n'ava ku bakundi songa yabeeranga Butale nga mukundi kitaawe gye yamuwa ekyalo okuba obutaka bwe.

Okugingirirawo obulangira nti nze Nakirembeka omulangira mu Buddu ekyo kya bulimba kuba eyayitibwanga Nakirembeka yali Wunyi yeyalembekanga amenvu mu Lwera nga akubye ekibuga kye e Bukulula ng'alwanyisa abaavanga e Buganda.

EMIZIZO KU BAANA: - Abakundi tebaluulibwa newankubadde nga nga balongo. Tetusiba buliba oba kusiba balongo. Ensonga yali bweti: muka jjajjaffe Kaweesi yatuuka ng'azaala abalongo nga babasiba nga baterekebwa. Entabaalo ezaalinga mu nsi muno bwe badduka bagenda okutuuka ku nnyanja basaabale amaato gaabwe nalongo n'ajjukira abalongo nga aberabidde eka; kye yakola yaddayo mbu abakime. Yagenda okudda nga bali badduse dda. Oba yatuuka eka tewali yamanya. Omutaka Kaweesi n'agamba nti bazzukulu bange temusibganga abalongo oba okuteleka obulira. Ebyo byakoma awo nakati tetwalula baana mu ssiga lyaffe, newankubadde abalongo. Omwana bw'azaalibwa ng'ekirira kimaze okuvaako n'okukasukibwa nnyina w'omwana afumba emmere n'assaako enkejje ne nva endala ne bagenda ne bba ewa jjajja w'omwana anaatuuma omwana erinnya, ng'omwana atuumwa linnya nga basosootola mmere nga balya olwo ng'embaga ewedde. Jjajja w'omwana ateekwa okuba nti amanyi eby'okulaamiriza abaliwo baddamu nti kwe bayita okukuba emizira.

Amannya: - Amannya g'abakundi mangi wabula galimu olunyoro abantu bangi bagatya okugeeyita abalala bangi betuuma ga mu masiga malala kyokka nga gaakika kya mutima wano ka nage amannya agatuumibwa abakundi bennyini: -

Kaweesi, Nabaweesi, Bakundi, Nabakundi, Namukundi, Kangalabwa, Kazongola, Kagwisa, Nabagwisa, Lunutenga, Kiguba, Kitumwa, Nsaale, Kanwa, Bakyeleza, Teruliko, Ngabotekyala, Mwezangabo, Luleba, Nanziri, Mbidde, Muyiggwa, Tebagalambewo, Bbalesanvu, Bamulanze, Mujanjali, Ssagala, Mwandugwabo, …….

Ebyali e Mabowa ew'Omutaka Omukulu w'essiga ly'abakundi Kigwisa. Obutaka bw'e Masaka nga bumaze okulekebwa ettayo essiga lyali olwo lifugibwa Kagwisa II, ng'alifugila ku kyalo kye eky'Obutaka Mabowa eyo n'emikolo nga gye gikolebwa.

Kagwisa bw'aba ng'ali ku Mabowa omusajja ow'e Kasaali ekyalo ekiriraanye Mabowa yali mulwadde wa njoka n'ava e Kasaali n'ajja e Mabowa okuzimbira entunda ku kyalo kya Kagwisa abaana ba Kagwisa baali balunda embuzi ku ttale kwe kusanga enswa ng'eriko omuggala ne bagujjako ng'abazannya n'omugano gwali gutuuse omusajja n'ajja okubikka entunda n'embugo. Enswa yasanga tekuli Muggala nga n'ekkubo eryagutwala talirabako n'amanya nti abaana ba Kagwisa be baguggyeko n'addayo eka ng'akaaba amaziga. Olwayingira mu nju ye nga aggyayo kamweeno (ewembe) ng'adda wabweru okumpi n'ekkubo nga yesala lubuto ng'aggyayo byenda. Abaali bagenda okubikka enswa ne bamulaba ne bamubuuza ky'abadde. N'abaddamu nti Kagwisa y'anzise. Ne badduka ne bayita batabani be nti kitammwe bamusaze ebyenda biri ku ngulu era Kagwisa y'amusse. Nga balaya ŋŋoma kulumba Mutaka ne Kagwisa olwawulira ebyo ng'adduka kugenda kubibuulira mwami Kaddu Wamala.

Kaddu Wamala yali ayingira awo mu lusenyi yali akyamubuulira bwe gubadde nga nabali batuuse, tebabuuza baafumita bufumisi nga Kagwisa bamutta. Nga Kaddu Wamala adduka ng'eŋŋoma zirawa nga balwanira awo mu lusenyi. Olutalo okugenda okuggwa ng'eruuyi ewa Kagwisa efudde abantu asatu ne w'omusajja omulwadde ng'efudde asatu; ye nkaaga eyagwa e Mabowa. Omusango nga gugenda wa Kabaka. Kabaka ng'agamba nti sirina gwe nnaasalira nti asinze. Ng'abalagira kugenda kwabya nnyimbe z'abafudde kuba baali benkanyenkanye; yali Kabaka Semakookiro.

Kagwiisa ng'asikirwa mutabani we Kazongola ng'abeera mukulu wa ssiga lya bakundi e Mabowa. Bw'aba yakafuga obukulu bwe ssiga nga wayise akabanga oba emyaka empologoma n'ejja mu kiraalo kya Kazongola omwali n'ente za Kabaka ng'etta nte n'ezabandi mwe zalugendera. Omutaka ng'agenda wa Pokino e Masaka kumubuulira bigudde mu nte za Kabaka nga Pokino asindika mubaka kugenda kulaba nte nsolo zesse. Omubaka yasanga abasajja ba Kazongola ente bazibaaga dda nga n'amaliba n'emitwe tebikyalabika. Omubaka n'addayo ewa Ppookino ne bagufuula musango ne basindika abantu ne banyaga eby'obugagga n'eby'omunju ya Kazongola byonna, abakazi n'abaana, ente n'abaddu. Waayita ebbanga ttono Kazongola n'afa, nga takyalina kantu konna.

Kazongola bwe yafa omwana we Mujanjali n'amusikira n'abeera e Mabowa, naye yalaba bimusobedde eby'obwavu, ng'asenguka ku Mabowa obutaka ng'aleka awo, ng'agenda Buganda kusenga baami balala. Kikubo nga atwala butaka bwa Bakundi, e Mabowa ku Miteesa I. Kukubo olwabuvaamu nga Walugembe abutwala era ku Miteesa oluvannyuma ne bufuulibwa ekyalo ky'obusenze bwa Ppookino. Obutaka bwe Mabowa nabwo bwe butyo bwe bwatwalibwa, olwa Mujanjali obutaddayo. Nga ebya Mailo bitandise, abataka we babaweeranga ebyapa by'obutaka bwabwe. Obwe byalo bye baalinako obwanannyini obw'ensikirano.

Mujanjali bwe yasenguka yaggukira wa Merewedda n'amusenga, yali akyali mulenzi muvubuka nga wamaanyi. Oluvannyuma n'asenga Waluggaga n'amuwa obwa Ssaabaddu. N'asanga kojja w'omulangira ngali mu Ggomba n'amuwa obwa Ssaabaddu n'amutuma ewa Kabaka. N'asenga Natooke nnyini ŋŋoma. Kabaka bwe yafa n'amuwa obwa Ssaabaddu, n'asenga Ssaabalangira Bujingo n'amuwa obusigire, n'asenga Vumba

ng'ali e Nkozi n'amuwa obusigire. Abantu ne bamuloopa ewa Kabaka nti alina abawala abalungi ne bamulumba ne bamunyagako bakazi be musanvu n'abaana be bangi ne gwe yali abbuddemu erinnya lya nnyina Namazzi naye ne bamubba. Yalina enkovu ku kibegabega. Bakazi be abakulu Gulikobabizizi ne Kusooka.

Mukama we Vimba n'agenda awali Kabaka n'awoza nti ssebo abasajja musajja wange Mujanjali gwe baasiba teyalina musango n'abaana abawala be baanyaga nga tewali musango gwonna. Ko Kabaka nti kale bamusumulule. Bwe baamusumulula n'ayagala okuddayo e Buddu nga nayo takyagyaayo, na'salawo okubeerara ddala mu Buganda, n'abaana be baanyaga ne batalabikako n'omu. Olwo ate n'atandika kusenga baami balala nga n'okukaddiwa akaddiye. N'asinga Senyoni Kiwooma n'amuwa okubuusanga abatete enku okutuusa lwe yafa nga 14, January 1922 ku mutala Buzzi.

Mujanjali yazaalibwa ku miremba gya Kabaka Kamaanya, yawangaala emyaka 130. Kirowozebwa nga yazaalibwa 1792 n'afa 1922, era we yafiira yali ategeera bulungi, ng'ebigambo abitereeza bulungi. Era olw'okukulira mu baami, yali amanyi okusimba ebigambo bulungi. Era eyo y'ensonga essiga lino ely'Abakundi kye liva libeera nga liviira ddala ku nnono y'alyo kuba Mujanjali yali ategeezeddwa ebigambo by'ekika ky'omutima okuva ku Jjajaawe Kagwisa ne Kitaawe Kazongola ate mutabani we Kagwisa III eya musikira y'omu ku bawandiisi abamanyibwa abasooka okuyiga okuwandiika. N'eby'ekika n'essiga lye babiwandiika bulungi nga bitegeezebwa kitaawe.

Okuwandiisa essiga ly'Abakundi: - Omukulu w'essiga ly'abakundi bwe yali tannafa, mu mwaka 1908, Mujanjali n'omutaka Ibulaimu Mwaziiza Galukande, F. Kagwisa nga ye w'e Buddu okuwandiisa essiga lino nga waliwo na bano: - Asoni Mutuluuki, Tomasi Mukiise, wamu n'ab'olukiiko olwaliwo. Essiga ne liwandiisibwa nga lya 10 erimu ku masiga ga Nnamugera Kakeeto Omukulu w'ekika ky'Omutima e Bbaale Buddu. Era gano ge masiga nga bwe gaali gewandiisizza mu kiseera ekyo:-

1.	Lujaganya	Kyabbogo	Buddu
2.	Kaseegu	Kyamuyimbwa	"
3.	Byuma	Nakiyaga	"
4.	Lunamunyu	Namwanzi	"
5.	Kanywanyi	Kasozi	"
6.	Lugaaju	Bulonge	"
7.	Namuna	Nkuke	"
8.	Luswata	Kafuluma	"
9.	Wanaana	Bbaale erya Nabugabo	"

10.	Kaweesi (omukundi) Kagwisa	Mabowa	“

Gano ga wandiikibwa oluvanyuma:

11.	Lukaaga	Butale	“
12.	Ndawula	Ssanje	“
13.	Ddungu	Minyinya	“
14.	Nakirembeka	Kisozi	Ggomba

Kitegeeza nti kati amasiga gano gali 14 agali mu kika kyaffe eky’Omutima. Nga wayiseewo emyaka 14 Mujanjali n’afa. Yafiira mu mutala Buzzi mu Busiro Ggombolola ya Musaale, Ssisa, olwo Mutabani we Fenekansi Kagwisa yali amaze okugula e ttaka e Buzzi n’azikibwa awo.

Mujanjali omukulu we ssiga ly’Abakundi bwe yafa mutabani we Fenekansi Kagwisa n’amusikira mu mwaka 1922, n’afuga essiga lino ely’Abakundi, bwe yali nga ye mukulu w’essiga waaliwo abakundi aberowooza okuba nti balangira kye baava bamuwawaabira ewa Nnamugera Kakeeto omukulu w’ekika ky’Omutima nga omuwaabi w’omusango ye Sulumani Gyagenda Kasendwa kulwa Ssaabalangira w’ekika ky’Abalangira, ku lwa Kaweesi omutaka we Jjinja Kaloli, Kyaddondo (omulangira).

Ensala y’omusango guno mu mbuga ya Nnamugera nga 24.8.37, gwa salibwa ne gusinga omulangira. mu mbuga y’Owekitiibwa Katikkiro e Mengo file y’omusango No. 1222/129/3 nga 31/8/37, omusango ne gusalibwa ne gusinga omulangira.